# Ab'amasomero agali mu ntobazzi balabuddwa okugamenya

Bya VIVIEN NAKITENDE

BANNANNYINI masomero agali mu ntobazzi e Lubaga balabuddwa okugasengula bunnambiro kubanga nago gagenda kumenyebwa mu bikwekweto bya NEMA eby'okusengula abali mu ntobazzi.

Byayogeddwa RDC w'e Lubaga Moses Ariho, mu lukiiko lwa bannannyini n'abakulira amasomero ga pulayimale mu ggombolola eno, olwabadde ku yunivasite ya St. Lawrence. Olukiiko luno lwagendereddwaamu okusala entotto ku nzirukanya y'amasomero entuufu mu kitundu, okunyweza ebyokwerinda mu masomero n'okwewala Ebola eyabaluseewo.

Yabalabudde nti, amateeka teri gwe gattira ku liiso, y'ensonga lwaki ne ggoloofa z'amayumba agali mu ntobazzi zimenyebwa.



RDC w'e Lubaga, Moses Ariho ng'ayogerako eri bannannyini n'abakulira amasomero mu ggombolola y'e Lubaga.

Yeewuunyizza engeri abasomesa gye basomesaamu abayizi okukuuma obutonde bw'ensi ate babasomeseza mu ntobazzi!

Yalabudde abasomesa ku kukabassanya abayizi n'ategeeza nti, etteeka libalinze okubakaliga n'asaba yenna alaba ekikolwa kino ategeeze ab'amateeka, okutaasa eggwanga ery'enkya.

Yalabudde amasomero agatalina layisinsi egakkiriza kusomesa okukikola mu bwangu ng'ebikwekweto byabwe tebinnatandika, kuba anaakwatibwa essomero lya kuggalwa.

Akulira eby'emirimu e Lubaga, John Bosco Bashinyolwa yabalabudde ku bucaafu omuli; okuta amazzi amacaafu ge bakozesa mu masomero gaabwe ne kazambi ne bikulukutira mu bitundu, n'agamba nti, ebikwekweto ku bucaafu bigenda kutandika.

Yennyamidde olw'amasomero obutabeera na layisinsi n'agamba nti, Lubaga erina amasomero ga pulayimale 350 naye 296 gokka ge galina layisinsi.

Sipiika w'eggombolola y'e Lubaga, Yusuf Katabira yasabye abasomesa okwongera ku buyigirize bwabwe n'ategeeza nti, ofiisi ye nzigule essaawa yonna eri abeetaaze okuyambibwa.